



**JINJA JOINT EXAMINATIONS BOARD  
MOCK EXAMINATIONS 2022  
LUGANDA P360/3**

**MARKING GUIDE**

1. (I) Aboogera ye
  - Abudu tabula
  - Wakataayi
  - Bivudde mu ssuula : Awava munno
  - (3x1=3mks)

**ii) Omuyizi alage enkyukakyuka weziri mu kitundu ekyo**

- Ekitundu ekyogerwako ye Namaliiri mu Kyaggwe.
  - Abavubuka okweyongera obungi.
  - Abavubuka okutandika okutunda ettaka, olw'okwagala okufuna eby'amangu.
  - Abavubuka tebakyayagala kulima: ensuku zaayonooneka, ennimiro temuli nsalosalo.
  - Ppasipalamu baamudibya ate nga yaziyyizanga mukoka okutwala ettaka
  - Emmere okukendeerera ddala ku kyal; amatooke.
  - Abavubuka okusabiriza, anti tebalina we baggya nsimbi : basabiriza bannabyabufuzi ne gavumenti.
  - Obuyinza bw'abaami ku kyal okukendeera nga tebakyasobola kukwasisa mateeka; owoomuluka n'omutongole
  - Abavubuka okuzanya emigaso egitagasa; ludo, matatu n'okusiba emipiira
  - Ttiimu z'omupiira ez'amaanyi ku kyal okuba nga zaafa dda.
  - Abavubuka okwenyigira mu bwediimo mu masomero. Cloves awayambadde
  - (7x2=14mks)

**iii) \* Omuyizi alage eby'okuyiga okuva mu ssuula eno; Awava munno**

- Okwewala obubbi ; nga George ne banne, ababba mmotoka
- Okuddako ewaffe ng'ekibuga kigaanye; nga George olwamuwa akakadde k'ensimbi n'addayo ku kyalo ewaabwe
- Okwewala okuttingana olw'engabana y'ensimbi omuvubuka omu alungira banne obutwa mu by'okunywa kyokka nabo ne bamutta, okukakkana nga bona bafu.
- Abasika okwewala okutunda eby'obusika; ssente ne bazizza mu bitagasa
- Abantu okukola ennyo; baleme kusabiriza bannabyabufuzi
- Okwewala obwediiimo
- Okwenyigira mu mizanno egizimba okugeza omupiira.
- (4x2=8mks)

**1. \* Omuyizi annyonnyole ng'alaga nga gavumenti etateredde bw'efaanana.**

**Okugeza ; omuwandiisi**

- Okuwamba abantu; tabula ne Rose Sseerabidde
- Okutulugunya abantu; Meeja Kaberenge atulugunya mukyala we, Tabula
- Okutta abantu; okugeza Kazibwe
- Okulumba bannamawulire mu maka gaabwe; Kaberenge alumba Abdu Tabula
- Okuyeekera gavumenti; okugeza Ivan Lutabaalo ayeeekera gavumenti ya dr. Mills Ojokolome
- Okutiisatiisa bannamawulire obutaanika bikolobero bya gavumenti; Meeja Kaberenge alabula Tabula
- Abantu abamu abafiiriddwa abantu baabwe mu ngeri etategeerekeka okukukkulumira gavumenti okuba n'akakwate kuno. Okugeza okufa kwa Ppaatu.
- Bannakatomba okuzanya emizanno egyekuusa ku bikolobero bya gavumenti ; okugeza Lydia Ndibulyawa azanya TEMUKA (ettemu mu Kampala)
- Bannamawulire okuwandiika ku mize gya gavumenti; Muyizzi Publications

- Ettamiiro mu bakulu ba gavumenti; Meeja Kaberenge
  - Okuggalira abantu mu makomera; okugeza NAZZA eggalira abantu ab'obwerefere
  - Okunyaga abantu; NAZZA
  - Enkwe mu gavumenti ; Kaberenge ng'akolagana n'abamu ku bannamawulire Dubious Kannantebya
  - Abantu ba bulijo okutandika okujeemera enkola za gavumenti; okugeza aba takisi, okwepena emisolo
2. ii) Essuula esooka / ngwa ku nsi
- Byogerwa ku Tezikyabbiri / Ennungitezikyabbiri
  - (2x1=2mks)
- ii) Abyogera ye maama wa Tezikyabbiri.
- Omuyizi alage ebisooka okubaawo ng'ebigambo ebyo tebinnayogerwa.
    - Tezikyabbiri eyali yasindikibwa okusoma yali afunye olubuto mu Eridaadi Gannyana
    - Atandika okudda awaka ng'obudde bugenze
    - Nnyina yekengera era n'anoonya n'ebbaluwa y'omulenzi
    - Nnyina bw'asoma ebbaluwa agisanga eyogera ku bya mukwano era n'agikuba mu kikondolo.
    - Tezikyabbiri bw'akomawo nnyina amutwala mu kisenge kye era n'amukangavvula ne kibooko.
    - Taata we bw
    - Akomawo, ayagala kumanya ekimukubizza.
    - Tezikyabbiri tanyega naye muto we amutegeeza nga bw'ayagala abalenzi.
    - Kitaawe akubwa ppulesa era n'atwalibwa e nakaseke mu ddwaliro.
    - Nga kitaawe assuuse, Tezikyabbiri amwetondera olw'ebyo ebyali biguddewo.
    - Kitaawe amusonyiwa naye ate oluvannyuma akizuula nti muwala we ali lubuto

- Muka muliraanwa (Batyayambadde) ye yasooka okumulaba nga bw'ali olubuto. (yasobera ku luggya)
- Muliraanwa yabuulirako nnyina wa Tezikyabbiri olwo ne yeesaasaabaga nga yeekaza empi ku bisambi okutuusa lwe yayogera ebigambo ebyo
- (8x2=16)

iii) – Nnyina yeeraliikirira gy'anadda amawemukirano

- Nnyina yakaaba nnyo
- kitaawe w'omuwala teyasooka kikitwala ng'ekikulu.
- Tezikyabbiri yakeera wa nnyazaala kubimuyitiramu
- Yasanga omulenzi (Gannyana) agenda mu nnimiro
- Omukadde yeesuulako omuwalume ng'awerekera Tezikyabbiri kudda waka gye baasanga nga n'abakulu babalindiridde
- Bateesa era ne bakkaanya okulabirira Tezikyabbiri ng'ali wa jjajja okutuusa lw'alismulukuka.

### **3. \* Omuyizi alage ebintu eby'enjawulo ebisobozesa omuwandiisi okuggyayo obulungi olugero. Okugeza**

- Omutwe; ogutuukira ku miramwa
- Essuula ezenjawulo; omusomi n'awummulamu ate n'agoberera bulungi olugero.
- Obulamu bwa bulijjo; obufuzi, enkwe, ettemu, eby'obuwangwa
- Ekifaananyi ku ddiba ; ekireetera omusomi okwefumitiriza
- Abantu abamu abawa omukisa okweyogerera
- Obunkenke ; okugeza bw'ayogera ku by'obulogo
- Amannya ; mangi ku go gategeerekeka , Tezikyabbiri
- Embeera ; lulimu embeera ez'enjawulo, essanyu, ennaku
- Ebifo ; atutambuliza mu bifo eby'enjawulo , omusomi n'anyumirwa
- Obuyimba n'obutontome; okugeza; kyewologo....
- Olulimi ; ebisoko, engero
- Ebyafaayo; okugeza bassekabaka ba Buganda ab'edda
- Emiramwa; omukwano, emirimu, amaka
- Ebyobuwanwga; okuzaala abalongo, okwabya olumbe.

- Obukuubagano; wakati wa Zaagulammere ne Ssaalongo
- Entikko n'obutikkotikko
- Okunyonnyola ebigambo ebizibu ku nkomerero y'ekitabo
- Abatonde buli omu amuweera okusinziira ku b'yakoze mu nsi.  
Ndyanabassi atuuka ku bwa katikkiro

### **PPULOOZI**

4. I) – Ofanga teweewoze

- Okwewola kutaasa naye kubi
- (1x2=2mks)

ii) – Olw'okusaaga; “..... abalala musunga naye bakale .....

“..... naye ate nze kaamukujje waabwe.”

- Kunyumya; akawonvu n'akagga
- Olw'ebuziba; kunyuunyuntibwa, kalogokalenzi
- Engero; awanise tavumagana nkenku
- Ebisoko; ekuba ennyonyi
- Olulabula; “..... Mbasaasidde.....”
- (3x2=6mks)

iii) – Musajja

(1mk)

- Embeera
  - . musaaze
  - . mwewozi
  - . mukwanyi
  - . munyi
  - . munyumya

. Asimba essira ku ky'ayogerako; akakasa nga bw'atajja kuddayo  
kwewola; “..... ndayira okufiira mu kitooke kya gonja.....”

. (2x2=4mks)

iv) \* Kwetamwa; abantu abamuwola okugenda nga bamwogerako

- Okwatula ekikuli ku mwoyo
- Okulambula abalala baleme kugwa ku kabaate ke yagwamu
- Kutyा nti oboolyawo abawozi bonna beeyisa bubi
- Okwekubagiza; oluusi ky'ava anywa omwenge
- Mumalirivu; takyaddayo kwewola omwaka guno
- Kwewuunya; oli n'okutuuka okumubuuza oba mukyala we yamufunyisa olubuto!
- (3x2=6mks)
  - Ayinza okukusaba amagoba mu nsimbi z'akuwoze oba okukola olugambo n'ategeeza buli omu nga bwe yakuwola
  - Kya mulowoozes a nti ayinza okukkiriza ebyomukwano ne bibaawo
  - Okumukakasa nga bw'atalina ssente
  - (3x2=mks)

## OMULYAMMERE KKOYI

### 5. I) Ensengeka

- Atandise n'omutwe; Ebiseera by'obuvubuka
- Mu sitanza esooka; abuuza abavubuka ekibakoza amalala,ekyejo n'okwewanika
- Sitanza eyookubiri; ategeza abavubuka nti beewanika ku bazadde ne beerabira nti bebabazaala n'okubalabirira okutuuka awo webali.  
Okugeza okubaweerera
- Sitanza eyookusatu; alaze nti abazadde beefiriza akasente ne babagulira ebyetaago ng'egatto banyirire kyokka ate ne bazitambuza bubi ne bazoonoona
- Sitanza eyookuna; yeemulugunya ku nnyambala y'abalenzi etali nnungi okugeza okusibira empale mu bikugunu ne zirebera na ziba nga ze boonoonyeemu
- Sitanza eyookutaano; omuwandiisi yeebuuza abalenzi gye baggya omuze gw'okuteeka obubonero ku mibiri gyabwe okugeza ku matu n'ennyindo

- Sitanza eyoomukaaga; avumirira abawala aboonoona ekitiibwa kya Buganda nga beeteekamu emize, okugeza okwewaggula ku bazadde
- Sitanza eyomusanvu; awumbawumba ng'abuulirira abavubuka okwefuga okweyisa obulungi mu biseera by'obuvubuka
- (8x1=8mks)

ii) – Okuteekamu obubonero obwenjawulo mu ngeri ey'ejjenjeero.  
Akabuuza akatonnaeyeze, akawummuza, akewuunyi, n'akasukkize

- Ennonda y'ebigambo ebivuga obumu
- Ennyiriri kumpi zenkanakana; ebigambo 2-3
- Akitegese mu sitanza musanvu ez'enjawulo
- Okugattika ebigambo;.... Ng'ente ezo (sitanza 2 olunyiriri 4)
- Okugunta ebigambo, okugeza, emigere (bireeta amaloboozi)
- Okuddingana ebigambo; mmwe
- (5x1=5mks)

iii) Emisono gy'olulimi

- Olwebifaananyi; empale zi mudeebeedo nga ze mutaddemu ebbonda
- Oluvumi; laba galenzi mmwe mbabuuza mwaggya wa guno omutima
- Olulimi olw'ebuziba; empami
- Olunnyonnyozi; engeri abantu ab'edda gye beeyisa nga
- Olubuulirira; abavubuka beeyise bulungi
- Olwa bulijjo; olutegeerekeka buli omu
- (3x2=6mks)

iv) – Okutonda entunnunsi

- okuleeta amakulu; okugeza, okwewuunya
- embeera; eyokwewuunya, okwebuuza, okubuulirira
- (2x2=4mks)

v) – okubatawaanya / okubabonyaabonya

- Bbi/ obubi/ empitambi
- (2x1=2mks)

## **6. \* Omuyizi alage enneeyisa y'abantu ababi nga bw'efaanana okugeza**

Ennyanjula; ekitabo, Omulyammere kkoyi (1mk)

- Abantu okulya enkwe mu b'engganda zaabwe; omubbeere, abalyammere
- Okukumpanya (ebya bannaabwe ); Omubbeere
- Obutasiima; ensimbi ezibaweebwa, omukwano ogubalagibwa, Omubbeere
- Abantu okukaluuubiriza bannaabwe mu ngeri ezitali zimu; abakulembeze, abakulemberwa, abazadde n'abaana; ekitontome Ozitowa oba Ozitoowererwa
- Abantu obutaagaliza bannaabwe mu by'efuna; Ennimiro engatte
- Obubbi; okugeza abantu babba ebya bannaabwe ne babibuza; Ebikomera
- Abantu okubeera n'ebintu eby'obulabe (ebissi) oluusi ne babikozesa ku balala; Ebikomera
- Abaana abasoma tebasaasira babaweerera (ne babasaba buli kamu (okubapeeka); Abaweerera tulabye
- Abasomesa okuganza abaana be basomesa ekinyiga abazadde n'abayizi, Abaweerera tulabye
- Abasomesa bakwenyakwenya abazadde nga bawa abaana obubonero obw'ejenjeero; Abaweerera tulabye
- Ennyambala y'abaana embi; Ebiseera by'obuvubuka
- Abo abaduulira bannaabwe; Lwaki afuna aduula
- Okukola kaabuyonjo n'otateekako luggi; Kaabuyonjo z'ekibuga
- Abavubuka abamu boonoona ebintu bakadde baabwe bye babagulidde. Okugeza engatto, Ebiseera by'obuvubuka
- Abavubuka obutayagala kuyamba bakulu mirimu; Ebiseera by'obuvubuka
- Abalenzi okwekolako obubonero ng'abawala; Ebiseera byobuvubuka
- Omuntu okwetema by'atasobola; Mpola embuzi ndikuwa ente

- Abantu abamu bwe balaba bannaabwe nga bafunye obuzibu ate bo ne bagufuula mugano gwa kukola nsimbi; Enkuba ya jjuuzi
- Bannabyabufuzi abamu okuwuddiisa abantu okugeza nti ebitundu ebimu tebiri mu Buganda nga kampala Kampala

7. I) Omuyizi aleete omutwe oguntuukira ku kitontome

- Okugeza ; Ebyafaayo bya kampala
- (1mk)
- ii) – Buli lunyiriri lutandisa ennukuta nnene; wadde ng'olusoose luyinza okuba nga terulina makulu geetongodde wadde akafundikizi
  - Ebigambo ebivuga obumu; bijjudde, zижудде
  - Okukozesa obubonero nga bw'ayagala; akatonnyeze, akeewuunyi, akasukkize, obulooipi
  - Okugandawaza, takisi, bbaasi, loole
  - Okukitegeka mu nnyiriri
  - Okukitegeka mu sitanza
  - Okusala mu bigambo; ettuli
  - Olulimi lwekiywi, kkopa , ffege
  - (5x2=10mks)
- iii) - Alaze nti edda abantu baatambuliranga ne ku loole, ebbaasi, kayoola
  - Ssente z'abantu bazisiba ku wuzi, mu biwato
  - Abebyokwerinda bwe bakukwata, okuvaayo olina okubaako ky'owaayo (ssente)
  - Okunaabuuka akitta abantu
  - Waaliwo olutalo omwali ne bbomu
  - Ekibuga nga kijama nnyo
  - Enguudo zaali mbi nnyo
  - (4x1=4mks)
- iv) – Ennyiriri empime; kisobole okuleeta entunnusi

- Busitanza bumpi; kibeemu amaloboozi
- Olulimi olw'ekinogezi; okusikiriza abasomi
- Enkozesza y'obubonero; eggayao amakulu
- Ennonda y'ebigambo; okutuusa obubaka
- Omulamwa; okutujjukiza ebyaliwo; bbomu
- (3x2=6mks)

v) – Kutambula mpolo

- Wa maanyi
- Guggwaawomangu/ mutono
- Abantu okubula/ okutta abantu ne basuulibwa eyo nebabolako effiire
- (4x1=4mks)

8. \* omuyizi alage ebintu ebyenjawulo ebyeyolekera mu bitontome bya

Ssematimba nga biraga obukgu. Okugeza

Ennyanjula; ekitabo kye, Abooluganda ab'enda emu (1mk)

- Obubaka buli mu bufunze
- Ebimu bikweka amakulu ekiyamba abantu okwerowooleza n'okukubaganya ebirowoozo. Okugeza Ezaali embikke
- Sitanza mpime tezikooya musomi; ebitontome ebisinga akozesa ennyiriri 1-4
- Birimu eddekende; okugeza , engero n'ebosoko, Ebizibu byajja nga birogologo, Enjuba tetwesudde
- Olulimi Iwangu ate nga luNnyonnyozi
- Birina entunnusi ezivuga obumu ate obulungi
- Mulimu okusiiga ebifaananyi; Anoonya okwagala, Nnataggwa malambula, Obusagwa bw'omusota,
- Mulimu okugeraageranya kungi
- Birimu okuwaawaanya; okugeza Obusagwa bw'omusota, Ezaali embikke
- Obuboneo bukozeseddwa bulungi

- Birina olugero olugoberwaera bingi ebitambulira mu kunyumya; Ebizibu byajja nga birogologo, Mwanga n'abajulizi, Enjuba tetwesudde n'Abooluganda ab'enda emu
- Obulamu obwa bulijo; bitegeerekeka
- Ebimu bimpi, ddala; bigoberekeka, tebikooya musomi; Enkeesa budde, Ettooke kawoomera
- Mulimu ebifaananyi ebikube; kino kimuwa enkizo mu kunyumisa ate n'okuba nti bitegeerekeka
- (12x2=24mks)

9. I) – Kisimbuddwa mu kitundu kyakubiri (1mk)

- Aboogezi mu katundu ako be bano  
Asooka; Kkangaawo bunnya  
Owookubiri; Bbuuza  
Owookusatu; Nakiganda  
Owookuna; Nnassaza  
(4x1=4mks)
- ii) \* Ebyafaayo ebyeyolese
  - Buganda / kabaka yabanga n'abasirikale abayitibwa abambowa
  - Omukulembeze ow'okuntikko mu Buganda yabanga kabaka
  - Bwe waabangawo omuntu yenna asobia kabaka, nga bamuyigganya n'abekika kye ne babatwaliramu. Bbuuza abuuza Kkangaawo ekika mw'ava ng'akaboneo akalaga nti n'abe nseenene bagenda kufuna obuzibu
  - Abambowa baabanga bakambwe nnyo
  - Oluusi waabangawo abantu abamu, abaasekeetereranga kabaka
  - (2x2=4mks)
- iii) \* Omuzannyo Nnamulanda gwawandiikibwa Waabyeki Magoba
  - Alina omukwano; bwe yali ne Makamba ng'amwagala, ate ne Kkangaawo naye amwagala ye nsonga lwaki akaaba nga bamutwla.

- Nassaza n'ebyenfuna; ku Nnakiganda kwe tulabira nga Nnassaza bw'ayagala ennyo eby'enfuna anti asiima busiimi nga Ssonko amufumbizza ewa Kkangaawo
- Obukuusa bwa Ssonko ne Kaddulubaale. Balimba nga abika Nnakiganda, era ne babuzaabuza nebaziikamu mugogo.
- Okujooga (ejjoogo) lya Kkangaawo okusigula muka musangi we Ssebuliba Makamba
- Okwebuzaabuza kwa Kkangaawo obutamanya bika bya baganda ate nga mukungu wa kabaka bw'abuuza Ssebuliba kye yeddira, n'okubuusabuusa oba muganda oba si muganda
- Okubuguumirira kwa Kkangaawo. Talina bwenkanya mu mukwano, kubanga bw'awasa Nnakiganda ate n'atalaka Nnakiwala.
- Olugambo lwa Kaddulubaale we Iweylekera anti abikkulira Ssebuliba Makamba ekyama bw'amutegeea nti mukyala we Nnakiganda gyali mulamu tteke (so nga baali bakkirizigatizza basirikire ekyama ekyo.)
- Obusosoze bwa Ssonko ne Kaddulubaale, ne Nassaza: Nnakiganda nga tebamulaba nga mwana olwokuba eddyi lye yasookamu lyali lya mwavu, olaba Kaddulubaale ayita Makamba Nnalubugolumu.
- Ensobi abazadde ze bakola mu kufumbiza abaana olwempaka; okutabula obufumbo bwabalala, okubafumbiza gye bateesiimidde, n'okuboolagana mu luggy.
- Kati neN nakiganda alowooza nti ebizibu byonna bimalibwawo na bugagga ky'ava agamba omumbowa (bbunza) ate omusibe bamuwe eby'obugagga byonna by'ayagala
- (8x2=16mks)

#### 10. Enyanjula: -Gwawandiikibwa Waalabyeki Magoba (1mk)

- Wadde guli mu bwakabaka bwa Buganda naye gusobola okugonjoola ensonga nnyingi mu bantu ba bulijjo
- Okuwa kabaka n'abaami be ekitiibwa ekibasaanira

- Abaami okuyisa obulungi abantu be batwala awatali kubanyigiriza; Kkagaawo asikula muka makamba
- Abako basaana okwewala; okulya enkoko eziwera mu mukyala omu
- Abakyala beewale okukola obuggyga ku bannabwe bwe bali mu ddya; Kaddulubaale ne Nnassaza
- Okunnyikiza enfuga ya Buganda ey'ennono; okugeza amasaza ga Buganda n'abaami baago.
- Abakyala beewale okunyigirira amaka ga bannaabwe, kubanga kivaako obutabanguko mu maka; Nnakiganda ne Nnakiwala
- Abantu mu nsi beewale enkola y'okubika abantu abalamu; nga Kaddulubaale ne Ssonko bwe babika Nnakiganda
- Okwewala okufumbiza eri abasajja be bateesiimidde nga Nnakiganda bwe bamufumbiza olw'empaka ewa Kkangaawo.
- Okwewala okujooga n'okusekeeterera kabaka. Okugeza Kkangaawwo ayagala kuvuunika bwakabaka
- Okulekera awo obulimba; abantu bawe emyaka gyabwe ekitiibwwa; laba Nnassaza bw'alimba Makamba nti mukazi we Nnakiganda yafa
- Twewale enkola ey'okulungira bannaffe emmimbiri, so si nga Nnassaza alungira Kaddulubaale obutwa mu mwenge
- Kirungi okusirikira ebyama(obwo bwe buntu bulamu) so singa Kaddulubaale abisula ebyama byabwe ne Ssonko, bw'ategeeza Ssebuliba Makamba nti mukyala we tafanga
- Okwewala enkola ey'okugingirira ebisangosango ku bannaffe oluusi ebiyinza n'okubaviiram lu okufa, Kaddulubaale ne Makamba abagingirira Nnamulondo bateeke omusango ku Kkangaawo gumuviremu okusalirwa ekibonerezo ky'okufa
- Okuyiga enfuga y'amaka
- Okwewala okusosola mu baana; Ssonko
- Okwewala ebbuba; Makamba ayagala kutta Kkangaawo
- (11x2=22mks)

11.I) – Ennyanjula; omuzanyo ye Ssemitego omuyizzi kkungwa  
(1mk)

- **Omuyizi alage ebintu eby'enjawolo bye tulaba ku baana abo (obubaka) mu muzannyo guno.**

- Abaana; Babirye, Kato, abaana b'omuliraano, abaana b'okussomero
- Mukwano gw'omuzadde n'omwana; Ssemitego asituka w'atudde n'agenda ku Kyoto n'aleeta enti z'ennyama ayongere abaana. N'omukyala bw'atyo.
- Okusoma; abazadde abafaayo okusomesa abaana
- Engunjula y'abaana entuufu; empisa, okukwasa obudde
- Abazadde abakwatagana; labamulimu n'okusaaga "... awo wennyini abaana ba Ssemitego we bafuulira abalala ab'ebigre"
- Amaka amayonjo; abaana batuula ku maliba
- Amaka amazadde; agalina abaana
- Enkolagana n'emiriraano; abaana muliraanwa babawa ku nnyama nabo ne balya
- Abaana abasonyiwa; bamuzza mu nteeko
- (6x2=12mks)

ii) Kwitisi ye mbwa y'awaka

- **Omuyizi alage obubaka bwe tufuna nga bwetoloolera ku mbwa. Okugeza**
- Mu kuyigga
- Okulaga embwa by'erya, amagumba ennyama
- Okukuma awaka, naddala mukama waayo
- Okutulaga nti wadde embwa kisolo naye etegeera; eboggolera Ssemitego ng'akabonero akooleka nti ky'akoze eky'okutta mukyala we si kituufu
- Ekitiibwa kya Ssemitega ng'omuyizzi kiseebengerera ng'ebwa emuvuddeko
- Okulaga embeera y'embwa; okuzannyisa amagumba
- (3x2=6mks)

**iii) \* Omuyizi alage ebigendererwa by'omuwandiisi okutulaga  
omuzannyi ayeeyogeza yekka ku siteegi okugeza**

- Kakodyo akeeyambisibwa mu mizannyo
- Okuggyayo obubaka
- Okulaga embeera omuzannyi gy'alimu
- Okuggyayo obukungu bwa muwandiisi
- Kwolesa katemba
- (3x2=6mks)

**12.\* Omuyizi alaage embeera ennungi mu maka ga Ssemitego**

. Omuwandiisi ye Mercy Mirembe Ntangaare

. Omuzannyo; Ssemitego omuyizzi kkungwa

(1mk)

- Amaka agalimu eby'okulya; emmere, enva okugeza ennyama
- Amaka amakozi; Ssemitego akola omulimu gw'okuyigga ate omukyala n'abaana balima
- Enkolagana ennungi n'emiriraano; abaana ba ssemitego bazannya n'abaana b'emiriraano
- Omwami n'omukyala bassa kimu
- Ssemaka alina mukyala abaana n'ekibanja
- Mulunzi; alina enkoko, endiga, embuzi, embwa
- Ebyobuwangwa tabisuulirira; ekyobuwangwa kya bajjajabe ekyokuyigga takisuulirira omwenge (endeku) bajjajabe, Jjulungu
- Amaka agalimu ebikozesebwa; sseffuliya, najjolo, enkumbi, n'obwambe
- Abantu b'omu maka balina empisa; omwami n'omukyala bawangana ekitiibwa, abaana balina eggonjebwa
- Afaayo okusomesa abaana
- Amaka amayonjo; ebintu eby'awaka byozebwaa
- Amaka agalimu okusaaga; ssemitego agoogerako ng'amaka g'omukungu omugagga, anti tegaggwaamu nnyama
- (9x2=18mks)

**Ate ku ludda olulala tekyegombesa**

- Ssemitego okukola obwenzi
- Ssemitego okwagala ennyo ebyokufuna
- Ssemitego okutta mukyala we
- Tawuliriza kubuulirirwa okuva eri mukyala we
- (3x2=6mks)

**BIKOMYE WANO**